


Mukyala Kasaato ng'ayogerako n'abayizi abali mu luwummula.

# Babangudde abaana abali mu luwummula

Bya PATRIC KIBIRANGO

ABAKYALA Abakristaayo abafumbo mu Buganda batandise kaweefube okubangula abayizi abali mu luwummula mu bintu eby'enjawulo ebikwata ku bulamu bwabwe bakule nga ba buvunaanyizibwa.

Olukung'aana mwe baasomesezeddwa lwabadde ku kitebe ky'abakyala Abakristaayo abafumbo aba Buganda aba Mothers' Union Buganda e Mengo.

Lwetabiddwaamu abaana abalenzi n'abawala ng'abasomesa ab'enjawulo baayogedde n'abaana ku bintu ebiyinza okutuukawo mu bulamu obwa bulijjo.

Julius Kizito, omu ku baasomesezza, yabalabudde ku biyinza okukosa obwongo bwabwe omuli ebiragalagala, okweraliikirira, okunyiiga olutatadde n'ebirala.

Amyuka atwala abakyala Abakristaayo abafumbo mu Bulabirizi bw'e Namirembe, Harriet Nakitende Mukasa yabasabye okuddayo bayigirize bannaabwe bye bayize. Omusawo omukugu Fredrick Joshua Masembe yabalabudde ku bikolwa eby'okwegatta nga tebanneetuuka n'abalabula ku kawuka ka siriimu, nga balina okwewala okuyingira n'okuyingizibwa mu bintu nga bino.

Pulezidenti w'abakyala bano, Josephine Kasaato, yabasabye okweyambisa essimu zaabwe nga beeyongerako omutindo okusinga okuzikolerako ebityoboola ebitiibwa byabwe. Yakubirizza abazadde okuwaayo obudde eri abaana baabwe mu luwummula.